**Ebiri mu katabo »** **“**Toyinza kuba na bantu obukadde 46 mu Uganda, nga kumpi abantu obukadde 30 bali mu bulimi n’otasomesa byabulimi”—**Katikkiro Charles Peter Mayiga**

*AKATABO K’OMWOLESO GW’OBULIMI N’OBULUNZI*

# CBS**PEWOSA**

## Obulimi n'obulunzi bwe bugagga bwaffe



**BITEGEKEDDWA;** CBS PEWOSA NSINDIKA NJAKE DEVELOPMENT AND FINANCIAL INITIATIVES


SCOGEM
SCOGEM ENTERPRISES LTD
Supplier & Service Provider of Equipment and Machinery for Processing Seeds,Coffee and Grains Electrical & Electronic Industrial Works
We are dedicated to provide
Coffee Wetmills (Pulpers) & Dryers
Coffee Hulling, Grading & Laboratory Equipment
Eletronic Optical Colour Sorters
Grain Silos & Storage Facilities
Grain Milling Machines
Animal Feed Mills
Fertilizer Handling Facilities
Other Agriculture Postharvest Handling Equipment
Coffee Roasting Facilities
Horizontal Coffee Hand Pulper DH
Coffee Beans Sorter for Traditional Fermentation MC
Ecological Coffee Wet Mill ECOLINE
Optical Color Sorter Pikasen
Advanced Pulping and Sorting Unit UDC-7500 BOURBON
Coffee Dryer ECODRYER
EcoDryer
Combined Coffee HULLER
NIRAMI
SATAKE
Optical Sorters NIRAMI-7
PP-300 R and PP-300 AMG High speed choppers for daily ration or silage use. Ideal for small farmers
PE-700
PE - 1200
PE-700 / PE-800/ PE-1200 Grass Choppers for Silage
MDP-60 Commercial Grinder
Green Coffee PRE - CLEANING Unit
Green coffee SIZE GRADER
Green coffee DE STONER
SCOGEM is franchised to supply equipment from the following principles:
penagos
MONTE ALEGRE
SATAKE
SCOGEM ENTERPRISES LTD
Suite No. 1 & 2, House of Kaine, Plot 36/39 Gordon Wavamuno Rd,
UMA Showground, Lugogo - Kampala Uganda. P.O. Box 12290, Kampala, Uganda
Telephone: +256 (0) 392 892869
E-mail:scogementerprisesltd@gmail.com Website: www.scogementerprises.com



# Ebiri mu katabo


| | |
|---|---|
| Katikkiro by'atugamba | 02 |
| Obubaka bwa Ssenkulu wa CBS | 04 |
| Eby'omuteesiteesi | 08 |
| Ekibuga Masaka | 10 |
| Etteeka eppya ku mmwanyi | 14 |
| Akalowoozo | 18 |
| Emikisa mu kulunda enkoko | 28 |
| PEWOSA n'emmwanyi | 32 |
| Ebifaananyi | 38 |




# **Katikkiro** atugambye nti:

"Toyinza kuba na bantu obukadde 46 mu Uganda, nga kumpi abantu obukadde 30 bali mu bulimi n'otasomesa byabulimi"—**Katikkiro Charles Peter Mayiga**



***Owek. Charles Peter Mayiga, Katikiro wa Buganda***

Uganda's economy is predominantly rural and private sector driven with agriculture as the leading source of livelihood. The agriculture sector contribution to GDP has suffered a decline from 53 percent in the 1990s to 21 percent over the first decade of year 2000. Agriculture however remains the key driver and hope for poverty reduction as it contributes nearly 75 percent to national employment.

The National Development Plan III (2020-2025) aims to boost agriculture in terms of production and productivity. The key focus areas include agro processing, infrastructure improvement and creation of a skilled, healthier workforce. The third Agricultural sector strategic plan (ASSP) aims at sector transformation from subsistence to commercial with coffee as the priority commodity among others.

Buganda Kingdom campaign to revamp coffee production is in tandem. Since launching the "Mmwanyi terimba "campaign, Buganda Kingdom has registered tremendous growth in coffee production throughout the 18 Counties (Amasaza). The success is attributed to the community heed to Ssaabasajja Kabaka's call and campaign against poverty.




Coffee is still the leading cash crop with universal global demand. Buganda Kingdom ranks high among the producers of good quality tasty coffee. As a perennial crop, it provides employment right from the farm to cup. As partners in the coffee industry, we ought to do more from policy to practice. Regulation should not focus on restriction but more towards guidance on finance, quality assurance and market development. Buganda Kingdom is on track to revamp cooperatives and micro financing. CBS Radio has done a commendable job through PEWOSA, a community ecosystem that mobilises communities to directly engage in production supported by locally raised resources. The PEWOSA human and financial capital has been pivotal in social transformation based on agriculture improvement.

The holistic provisions of sustainable agriculture, once deployed to address gaps in quality inputs, mechanization and climate change resilience will see positives out of the National Development Plan.

I would like to appreciate the development mind of CBS Radio that has upheld its mission of community transformation since inception, 28 years ago. The Annual CBS PEWOSA agribusiness fair; one of the innovations is a step in the right direction.

***Ssaabasajja Kabaka Awangaale***

# Obubaka bwa **Ssenkulu wa CBS Radio**

## Omukungu Michael Kawooya Mwebe

Ezimu ku nsonga ezaatandisaawo ekitongole kya Central Broadcasting Services (CBS Radio Buganda) kwe kukyusa obulamu bw'abantu ng'eyita mu mirimu egy'enjawulo, omuli amawulire n'okusaawo polojeti ezibakulaakulanya, ng'ezimu ku zzo y'enkola ya PEWOSA ( Project to Empower Women through Savings and Loan Associations)





**Omukungu Michael Kawooya Mwebe**

## ENTEGEKA YA PEWOSA

PEWOSA yatandikibwa mu mwaka 2009 n'okutegeka abantu mu bibiina ku mutendera gw'ekyalo okutereka ku nsimbi zebafuna, n'okuzeewola okutandikawo emirimu egyenjawulo okwekulaakulanya. PEWOSA nkola egezeseddwa ng'eriko n'obujulizi obw'enkukunala nti ddala ekyusizza obulamu bw'abantu, nga bayita mu kutereka ensimbi n'okuzeewola mu bibiina byabwe ku magoba amatono, ate nebaddamu nebagagabana okwetusaako ebyetaago ebyenjawulo n'okukyusa obulamu. Omwaka gwa 2030



we gunatuukira ng'enkola eno esaasaanidde Buganda ebitundu 80%.

## CBS ETANDISEEWO EBITONGOLE EBIRALA

CBS kitongole ekimanyiddwa ennyo mu buwereza mu mayengo omuli amawulire n'ebirala. Okusinziira ku nnambika y'ebirina okutuukirizibwa. CBS erina ebitongole ebirala ebivunaanyizibwa obutereevu okussaawo entegeka eziganyula abantu mu nkulaakulana. Ebitongole ye CBS PEWOSA NGO ne CBS PEWOSA NSINDIKANJAKE.

## CBS PEWOSA NGO:

Kitongole kya bwannakyewa ekyawandiisibwa mu mateeka. Kitongole ekirina obukulembeze okuviira ddala ku lukiiko lw'abayima era kivunaanyizibwa okusomesa abantu okutondawo ebibiina by'enkulaakulana mwe bayita okutereka ensimbi n'okuzewola, okwerondamu obukulembeze n'okusitula obulamu bwabwe obwa bulijjo.

## CBS PEWOSA NSINDIKA NJAKE:

Kitongole ekyawandiisibwa mu mateeka, n'ekigendererwa eky'okuyamba bannabibiina bya



PEWOSA okubiganyulwamu nga batandikawo emirimu egivaamu ensimbi. CBS PEWOSA NSINDIKA NJAKE etendeka n'okunyweza ku mutindo ate n'okutegeka omwoleso banna PEWOSA okulaga byebakola. Omwoleso guno gwetabwamu aba business ennene n'entono.

Ssaabasajja yatekawo CBS etuuse obubaka ku buli muntu, n'olwekyo ffenna kitugwanidde buli kiseera okutega CBS tuleme kusubwa ebyo ebitutwala mu maaso.

***Ssaabasajja Kabaka Awangaale***




UP TO
80%
GOVERNMENT SUBSIDY

# AGRICULTURE INSURANCE

Protecting your farming projects from disaster induced losses.

**Contact the nearest insurance company for more details.**

*#BeInsured*
*#DrivingInsuranceGrowth*

@IraUganda
www.ira.go.ug
IraUganda
Insurance Tower, Plot 6, Lumumba Avenue

# Obubaka Bw'omuteesiteesi

## - Mw. Segawa Katumba

Eby'obulimi gwe mugongo oguwaniridde eby'enfuna bya Uganda, ate nga bwe gukyali okumala ebbanga ddene. Amakolero ne bwe ganeyongera okumeruka mu ggwanga, eby'obulimi n'obulunzi byakusigala n'enkizo; okuwa abantu emirimu n'okulwanyisa enjala.

Okweyongera kw'obunji bw'abantu mu ggwanga, ettaka eririmirwako okukendeera n'okutyoboola obutonde bye bimu ku bikosa obulimi mu Uganda.

Wadde guli gutyo, waliwo ebiyiiyiizibwa okuwanirira obulimi awatali kukosa butonde, n'amagezi amaggya agayinza okuyamba abalimi okulimira awafunda mu nnima ey'omulembe.

- Abakyala n'abavubuka ba nkizo nnyo mu kuwanirira obulimi obuvaamu ensimbi. Gavumenti y'aleetedde abakyala entegeka amnyiddwa nga "GROW" egendereddwamu okuwola abakyala ensimbi ku magoba amatono ddala
- Entegeka za Government ez'okuwola abalimi ensimbi ku magoba amatono okuyita mu bitongole nga Uganda Micro Finance Regulatory Authority (UMRA) ziwa essuubi.



Mu nteekateeka y'okwongera okusitula n'okuteekerateekera eby'obulimi mu ggwanga, Omwoleso gwa CBS PEWOSA Nsindikanjake gugasse empagi ez'enjawulo eziwaniride obulimi nga zonna ogenda kuzisanga mu mwoleso buli muntu gwalina okwettanira okuberako ne kyoyiga.

Uganda Insurers Association

Promoting Insurance. Protecting Your Future




**Don't let** a bad season wither your dreams.

Get

**Agriculture Insurance Today**

www.uia.co.ug

# Ekibuga Masaka
## Ekkula lya Buddu

Gwali mwaka 1953 Masaka mwe yatandika okutiinta ng'ekifo eky'obusuubuzi. Masaka agenda okutuuka mu 1958 nga yeyongeredde ddala okukula era n'asuumuusibwa okutuuka ku mutendera ogwa Town Council. Emyaka 10 we gyaggwerako okutuuka mu 1968 ng'enkulaakulana yeyongeredde ddala okuttuka ku kusumuusibwa ku ddaala erya Municipaali.

Ebiseera ebyo, Masaka yakulira ku misinde olw'obusuubuzi n'amawanga ag'omuliraano omuli Rwanda, Burundi, Tanzania ne Congo yonna awataali bya maguzi bya mutindo nga wano mu Uganda. Oluguudo mwasanjala olugatta Uganda ku mawanga ago naddala okuyita e Mutukula ssaako emyalo ku nnyanja Nnalubaale (Victoria) bye bimu ku byafuula Masaka entabiro y'obusuubuzi. Eby'embi olutalo wakati wa Tanzania ne Uganda mu mwaka gwa 1978 ne 1979, lwazza emabega buli kyali kituukiddwako era oyinza okugamba nti Masaka yafuuka Matongo.

Masaka yali ekyasiiyibwa enkovu z'olutalo olwo olwa Tanzania, ate olutalo lw'ekiyeekera olwa National Resistance Army (NRA) olwaleeta gavument ya NRM mu buyinza wakati wa 1981 -1986, nerusajjula amabwa.

Wadde byajja bwebityo, bannamasaka bazze berwanako okuzza Masaka ku ntikko nga bayita mu bulimi n'obusuubuzi



Mu 2019 olukiiko lwa baminisita lwayisa ekiteeso okusumuusa ebibuga ebimu bissibwe ku mutendera ogwa waggulu. Mu muzingo ogwasooka, Masaka teyaliimu. Ssaabasajja Kabaka ng'asinziira mu Kkanisa lutikko ku lusozi Kako mu Ssaza Buddu y'ewunya lwaki Masaka yali alekeddwa ebbali. Mangu ddala ng'eddoboozi lya Ssaabasajja Kabaka liwukiddwa, Masaka yalangirirwa ku mutendera ogw'ekibuga(City) era mu mwezi gwa Kasambula (July) 2020, enteekateeka z'okulamba ensalo z'ekibuga Masaka zaatandika, era nga kyali kya kumaamira obwagaagavu bwa square kilometer 100, nga kizingiramu Division ya Katwe –Butego ne Nyendo-Ssenyange.



## Masaka kibuga kya by'amasanyu n'Okwewummuza

Masaka yeyongedde okutinta olw'eby'obusuubuzi, eby'obulimi n'emirimu emirala egyenjawulo egikolebwamu, saako eby'amasanyu n'okwewummuza. Bino bye bimu ku bisikiriza abasigansimbi okwettanira Masaka. Oluguudo mwasanjala oluyita e Masaka okugatta Uganda ku mawanga amalala, lukola ky'amaaanyi okusitula eby'ensuubulagana wakati w'amawanga gano okuli Uganda, Kenya, Tanzania, Burundi, ne Democratic Republic of Congo n'amalala.

Ku luguudo luno lwe lumu kwekuli Equator esangibwa e Kayabwe, gwe wandiyise 'omusittale' ogugabanyamu ensi mu bitundu biri, eky'obukiika kkono(Nothern hemisphere) n'obukiika ddyo (Southern hemisphere) Masaka mwesangibwa, era bwosala Equator obeera oyingidde ekitundu ky'ensi ekirala.

Abalambuzi abenjawulo abava ebweru wa Uganda ne munda mu ggwanga bettanira nnyo okulambula Equator, nga kwotadde n'okwekubisizaawo ebifaananyi eby'ebyafaayo, era emirimu mingi gyeyongedde okutumbuka mu kitundu ekyo.

Abasaabaze abasiinga obungi bwebatuuka ku Equator nga bamanya nti basemberedde okuyingira olutobazi lwa Lwera, olusinga okweraliikiriza abayingira n'abafuluma Masaka olw'obuwanvu bwalyo nga balowooza nti oba olyawo bayinza okulemererwa okulusomoka

Bw'oba okyatenda Equator, era nga wakagiyitako ate n'oyingira Olutobazi bwaguuga olwa **LWERA** olussa empewo y'ensi, era n'okukulengeza ku makula g'ennyanja Nalubaale, n'okukusaza omugga Katonga. Nga wakavvunuka Lwera era ng'okyewunaganya ku butonde ate w'otuukira mu kabuga ak'eby'endya Lukaya town awatikiridde ennyo olw'eb'okulya ebisuffu nga bya kweroboza anti akatale akamanyiddwa nga ku "Road Toll"tosobola kuyitawo kkuutwe ng'atalabye gonja, ennyama enjokye, enkoko n'ebirala ng'osongako busonzi kukyoyoya nga bakikutuusaako. Awo ng'oyolekera Masaka City ewategekeddwa




omwoleso gwa **CBS PEWOSA NSINDIKANJAKE OGW'EBYOBULIMI KU MBUGA Y'ESSAZA BUDDU.**

## OMWOLESO E BUDDU:

Radio CBS, mu kutuusa obuwereza yatandika entegeka ya PEWOSA okutumbula embeera mu bantu ba Ssaabasajja Kabaka. Entegeka eno evuddemu ebibala ntoko omuli n'ekittavvu kya Buddu CBS PEWOSA SACCO ebunye buli kanyomero mu ssaza lyonna. Olw'obukulu bw'obulimi n'obulunzi mu Buganda ng'omusinji ogw'ebyenfuna, CBS buli mwaka etegeka omwoleso ogw'eby'obulimi n'obulunzi ku Ssaza e Buddu n'ekigendererwa okukuma n'okukuuma omumuli ogumulisiza abantu obutagayalirira bya bulimi olw'okunywera mu by'enfuna. Mu kiseera ky'omwoleso e Masaka, kabeera kayisanyo era ekibuga Masaka tekisigala ky'ekimu

CBS egasse amaanyi ku nkulaakulana y'ekibuga Masaka

# Buganda Land Board (BLB)

Buganda Land Board

# Manya obuvunaanyizibwa bw'oweekibanja ku ttaka

Buganda Land Board (BLB) kye kitongole ky'Obwakabaka ekivunaanyizibwa ku ttaka eryaddizibwa mu tteeka eryazzaawo Obwakabaka erya 1993 n'endagaano ezaddirira zonna ng'eyo eyaliwo wakati wa Kabaka ne Pulezidenti mu 2013.

Buganda Land Board mu kiseera kino erabirira ettaka ly'Obwakabaka lyonna omuli eryolusuku, Eryabaami omuli Katikkiro, Omulamuzi n'Omuwanika; Eryamagombolola n'amasaza, erya Lubuga ne Namasole nga lisinga mu masaza Kyadondo, Busiro, Kyaggwe, Ssingo, Buddu, Mawokota ne Bugerere.

Mu ngeri yeemu, olwobukugu BLB bw'efunye mu kulabirira ettaka okumala emyaka 25, BLB kati ekola ne ku ttaka eritali lya Kabaka ku nsonga zonna okuli okupunta; okubalirira ettaka, okugoba ku byapa n'ebirala.



Tukuba emisomo okusomesa abantu ku nsonga z'ettaka



Tulina abapunta abakugu

**OMUSENZE BY'ATEEKEDDWA OKUMANYA KU TTAKA**

- Omusenze ng'otudde ku ttaka ly'omuntu Ssemateeka akulagira okweyanjulira nannyini ttaka akumanye mu butongole. Mu kino omuntu avunaanyizibwa okwanjula ebiwandiiko ebikakasa obwannannyini bw'ekibanja kye eri nannyini ttaka n'afuna fayiro. Mu mbeera eno, kikakata ku buli musenze ku ttaka ly'Obwakabaka okwewandiisa mu kitongole kya Buganda Land Board ekiddukanya n'okulabirira ettaka ly'Obwakabaka amanyibwe mu butongole.
- Ow'ekibanja era kimukakatako okulaba nti atuukiriza emisoso gyonna mu nkola eya buli mwaka nga kino kisinziira ku ebyo by'akolerako n'engeri gy'amanyiddwamu. Katugambe ateekeddwa okuvujjirira ekibanja kye ate ow'ekyapa naye n'abeera bulindaala okukisasulira busuulu.
- Ku kibanja okuli ebyenfuna omuva ensimbi okugeza amayinja, omusenyu, emiti, amatoffaali n'ebirala, omusenze kimukakatako okusooka okufuna olukusa okuva eri nnyini ttaka nga luno lugenderako n'omutemwa gw'ateekeddwa okusasulira ebyenfuna bino nga tanneenyigira mu kubikungula. Buganda Land Board era y'evunaanyizibwa ku mulimu guno ng'ekolera wamu n'Abaami ba Kabaka ku mitendera gyonna.

**ENKOLA EGOBERERWA OKUWAANYISA OBUSENZE/ OKUFUNA EKIBANJA KU TTAKA LY'OBWAKABAKA**

*(a) Omuntu ayagala okugaba/ okutunda ekibanja sooka ofune ebbaluwa entongole okuva ku ttabi lya BLB erikuliraanye .*
*(b) Omutongole asimba empaanyi era n'assaako omukono ku bbaluwa awamu n'omutunzi n'omuguzi era ne batungako ebifaananyi byabwe.*
*(c) Osasula ekkanzu mu bbanka ku akawunti ya BLB ku lwa nannyini ttaka*
*(d) Maneja n'Owoomuluka bateeka emikono ku bbaluwa*


**EMITENDERA GY'OKUFUNA EKYAPA KU TTAKA LY'OBWAKABAKA**

*(a) Ddembe lya wa kibanja okufuna ekyapa ku ttaka, wabula nga kimukakatako okusooka okuwandiisa ekibanja kye eri nnyini ttaka amumanye.*
*(b) Ekiddako omusenze asasula ebisale ebyokugera oba okupunta ekibanja kye nga kino kisinziira ku bunene bw'ekibanja kino. Aba BLB omulimu guno bagukola nga bakwataganira wamu ne ofiisi ezivunaanyizibwa ku ttaka mu gavumenti .*
*(c) Ng'obugazi bw'ekibanja bumaze okumanyika okusinziira ku kakonge akayitibwa (Deed plan) akaba kamaze okufulumizibwa abakugu oba abapunta era nga kakakasiddwa omukugu w'ebyettaka ku disitulikiti, omusenze agerekerwa omutemwa gw'ensimbi ez'okukola ekyapa nga kino kimutegeezebwa mu buwandiike.*
*(e) Ssente ez'okukola ekyapa nga ziwedde okusasula, endagaano y'ekyapa ekolebwa nnyini kibanja n'assaako omukono wamu n'abakungu ba Ssaabasajja Kabaka be yakwasa obuvunaanyizibwa buno. Olwo bino byonna nga biwedde, endagaano essibwako envumbo ya Kabaka.*
*(f) Bino bwe biggwa Buganda Land Board ekwatagana n'ekitongole ky'ebyettaka mu ggwanga okukola ekyapa.*
*OKUMANYA EBISINGAWO TUUKIRIRA ETTABI LYA BLB ERIKULI OKUMPI.*




Tugaba ebyapa

Buganda Land Board 1st Floor, Masengere Building. P. O. Box 14205, Kampala -Uganda Tel: 0312 263741/2, 0414 271 921,
Toll Free: 0800 140 140 E-mail:info@bugandalandboard.or.ug Website:www.bugandalandboard.or.ug.
Facebook: Buganda Land Board; Twitter:@bugandalandb



# Emmwanyi;

## Ewaniridde ebyenfuna bya Masaka

***Bya Mwami, Mukotanyi Alex***

Nga Uganda yeyongera okulinnyisa obungi bw'emmwanyi zetunda ku katale k'ensi yonna, waliwo amateeka gotasaanye kubuusa maaso. Emmwanyi bw'eba yakusigala ng'eyongera okugaziya ensawo z'abalimi, buli mulimi alina okutegeera amateeka agaleeteddwa okutangira abalimi obutamala gatema miti n'ekigendererwa eky'okulimirawo anti kwe kwonoona n'okutabangula obutonde.

Etteeka eryayisibwa amawanga ag'omukago gwa Bulaaya erimanyiddwa nga "The

European Union Deforestation Regulation"(EUDR) likwata ku buli muntu yenna ali mu mulimu gw'emmwanyi omuli abalimi, abasuubula okutunda wano n'ebunayira.

## Biki ebiri mu tteeka (EUDR)

Omukago gwa Bulaaya mu kuyisa etteeka lino,gwagenderera okukugira abantu okwonoona obutonde bw'ensi nga batandikira ku balimi abatema emiti mu bitundu ebibeera bigenda okulimibwamu oba okulundiramu.

Etteeka lino lissa ekkomo ku birime byonna ebirimibwa mu bitundu omutemeddwa emiti, obutatundibwa mu katale k'amawanga ga Bulaaya. Ebirime ebyanokoddwayo mwe muli emmwanyi, cocoa,soya,ebinazzi, embaawo, ennyama y'ente, amasanda agagyibwa mu birime eby'ennjawulo n'ebirala.

Okusoomoozebwa kw'amaanyi eri emmwanyi za Uganda anti ebitundu 70% zitundibwa mu mawanga ga Bulaaya awavudde etteeka lino.

## Ebirina okussibwa mu nkola

Abalimi b'emmwanyi n'abasuubuzi abazitunda mu mawanga amalala bateekeddwa okubeera n'ebiwandiiko



byonna ebikwata ku mmwanyi zabwe, ebikakasa nti gyeziva tewali kutyoboola butonde bwansi naddala okutema emiti.

Etteeka lino lyatandika okussibwa mu nkola mu mwaka 2020, era akalembereza akaliwo tekasaanye kweyibaaza muntu yenna.

Uganda yalagiddwa okutegeka bino:

1. **Maapu eziraga ettaka eririmibwako emmwanyi negyerisangibwa era nga lisobola okulondoolwa ebyuma bi kalimagezi ebya GPS.** Maapu zino zirina okulaga emisiri awlimwa emmwanyi ezigenda okutundibwa mu katale ka Bulaaya, okukakasa nga tewasooka kutemebwawo bibira okuzirimirawo.

2. **Amateeka g'eggwanga agakwata ku butonde bw'ensi**
   - Emmwanyi ezigenda okutundibwa zirina okuba nga bannyinizo bagoberedde bulungi amateeka g'amawanga agakwata ku bulimi bw'emmwanyi okugeza erya Uganda Coffee Act, 2021, n'amateeka amalala agakwata ku butonde bw'ensi



3. **Biki ebirondoolwa okulaga nti amateeka gagobereddwa**
   - Abatunda emmwanyi ebweru wa Uganda balina okuwaayo ebintu byonna ebikwata ku mmwanyi zebatunda okuviira ddala ku ttaka gyezirimibwa okukakasa nti tewaali bibira byatemwawo.

## Ebiyinza okuva mu butagoberera tteeka lino:

Amawanga agasinga okugula emmwanyi za Uganda gayinza okusalawo okuzizira, ekiyinza okufiiriza Uganda ensimbi eziri mu kawumbi kalamba aka ddoola ya America eziva mu mmwanyi buli



mwaka, n’abalimi obukosebwa mu by’enfuna. Ekigendererwa ekikulu kwe kukuuma obutonde bw’ensi buleme kutyoboolwa olw’okufunamu ensimbi ez’amangu, wabula bukuumibwe olw’okugasa omulembe oguliwo n’ogulijja. Ekirala kwe kutaasa obutonde bw’ensi, n’okusigala ng’amawanga gaganyulwa mu katale ka Bulaaya akanene.

Okusoomoozebwa Uganda kwerina kwe kw’obutaba na lukalala olukwata ku balimi b’emmwanyi bonna mu ggwanga, ekiremesa okussaawo enkola ennu□amu ez’okubalondoola oba nga ddala bagoberera amateeka ago.

## Kiki ekirina okukolebwa

- Okwettanira n’okukozesa enkola za tekinologye okulondoola abalimi b’emmwanyi buli kadde (GPS technology and digital mapping tools)
- Okukolagana n’abakulembeze b’ebitundu okulondoola abalimi oba nga ddala bagoberera amateeka agassibwawo, ag’eggwanga n’agebweru.
- **Okusomesa abalimi ebikwata ku mateeka agaleetebwa bagategeere**

## Ak’okwetegereza

Nsalesale eyawebwa okutandika okuteekesa mu nkola etteeka lya Bulaaya “The European Union Deforestation Regulation”(EUDR) erikwata ku mmwaanyi wa nga 31 December,2024, kisigalidde eri bannauganda abalima n’abasuubula emmwaanyi okugoberera amateeka gano era bagasse mu nkola, Uganda bweba yakusigala ng’etunda emmwanyi zaayo mu Bulaaya eziwera ebitundu 60% , n’okuganyula bannauganda abali mu bukadde n’obukadde abayimiriddewo ku bulimi bw’emmwanyi.

# Akalowozo: Twekuumire mu **bulimi obusoboka nga bwa lubeerera**

Okufuna amakungula ageegasa, bingi ebisaanidde okugobererwa n'okukola mu busobozi bwa buli mulimi. Obwetaavu bw'emmere buli olukya bweyongera olw'okuliisa omuwendo gw'abantu nagwo ogweyongera, ssaako enkulaakulana y'ebibuga. Kyokka ate obujimu bw'ettaka bwongera kukendeera ekiviriddeko ebbula ly'emmere. Obwetaavu bw'emmere bweyongera n'olwekyo tulina okulima.

Okulima kulina okuba okw'ekigendererwa sso ssi kutuusa mukolo. Abalima awagazi n'abalimi abatonotono mu bifo ebifunda buli omu yetaagibwa okwongera ku bwetaavu obuliwo.

## Ebisaanye okukolebwa okuzza obujimu mu ttaka

- Okutegeka n'okukozesa nnakavundira naddala ava mu birime n'obusa bw'ebisolo



ate ne kalimbwe

- Okusimba emiti egikuuma amazzi mu ttaka nga Omutuba n'Omukunyu
- Okutema ensalosalo mu nnimiro mukoka aleme kukuluggusa ttaka
- Okukekkereza amazzi ge tukozesa
- Okubikka ensuku n'ebirime ebirala
- Okukyusakyusa mu birime ebirimibwa ku ttaka erimu buli sizoni

## Okulimira mu bibuga n'okulunda tubyettanire

Okulimira mu bibuga tekikwetaagisa kubeera na ttaka ggazi, osobola okulimira ewafunda negufuuka omulimu oguyimirizaawo amaka n'okufunamu ensimbi. Ebirime ebisinga okulimibwa mu bibuga mulimu enva endiirwa, ennyaanya, obutungulu, obummonde obuzungu n'okulunda enkoko. Osobola okulimira wafunda n'obeera n'emmere mwaka ku mwaka, ng'oyita mu kufukirira ebirime awatali kukosebwa mbeera ya budde.

## Wetegereze:

- Okulimira awafunda mulimu oguwa amagoba
- Akatale k'ebirime mu bibuga ka lubeerera
- Okulima kuyamba okusitula eby'obulamu bw'abantu okuyita mu mmere erimu ebiriisa n'ebirungo ebirwanyisa endwadde n'emiganyulo emirala mingi.

***Buli muntu asobola okulima!***


SANGA
VET. CHEM. LTD

FOR BETTER ANIMAL HEALTH

Effective tick, worm & fluke, fly, screw worm & mite control




+256 200 8000 10
info@sangavetchem.com


UHURU
UHURU



# BANK OF UGANDA

Plot 37/43 Kampala Road, P.O. Box 7120 Kampala, Cable Address: UGABANK, Telex: 61069/61244, General Lines: 0312-392000, 0414 258441/6, 258061/6 or 0417-302000 Fax: (+256-414) 233818, Website: www.bou.or.ug
E-mail: info@bou.or.ug Twitter: @BOU_Official Facebook: Bank of Uganda Toll-free line: 0800144044


# Q & A ON THE AGRICULTURAL CREDIT FACILITY (ACF)

**1. What is the Agricultural Credit Facility?**

The Agricultural Credit Facility (ACF) is a fund set up by Government of Uganda (GoU) in partnership with Commercial Banks, Micro Deposit-Taking Institutions (MDIs), Credit Institutions & Uganda Development Bank Limited (collectively known as Participating Financial Institutions (PFIs)) to support farmers and projects involved in the agricultural value chain.

**2. What is the objective of the Fund?**

To promote commercialization of agriculture through provision of short, medium and long-term financing to projects engaged in agriculture, grain trade, agro-processing, modernization and mechanization.

**3. Who is providing the financing under the ACF?**

The ACF is a risk sharing Fund between Government of Uganda and the PFIs. The Government of Uganda contributes 50% to all loans booked by Commercial Banks and Uganda Development Bank which also contribute 50%, and 70% to all loans booked by Microfinance Deposit -Taking Institutions and Credit institutions which contribute 30%. However, for loans booked under the Grain Trade facility, the GoU and PFIs each contribute 50%.

**4. Who is eligible to borrow under this Fund?**

Individuals, groups, partnerships, companies and SACCOs (whether small, medium or large in size) operating in Uganda and engaged in all agriculture, agro-processing and grain trade, amongst others.

**5. What projects are eligible for financing under the ACF?**

Almost all activities along the agricultural value chain including acquisition of agricultural and agro-processing machinery and equipment, irrigation systems, post-harvest handling and storage facilities, agricultural in-puts for farm use such as pesticides and fertilizers, purchase of biological assets (up to a maximum of UGX 80 million) such as banana suckers, fruit seedlings, chicks, piglets, cows and goats for restocking the farm, land opening, infrastructural developments on the farm, among others.

**6. Are there any agricultural projects that are not eligible for financing under the ACF?**

**Yes.** Planting of trees, refinancing of existing agricultural loans, purchase of land and trading in agricultural commodities with the exception other than grain.

**7. What are the terms and conditions under the ACF?**

i. **Loan Amount**
The maximum loan amount to a single borrower is UGX 2.1 billion but this amount can be increased on a case-by-case basis for eligible projects that add significant value to the agricultural sector and the economy as a whole.

ii. **Loan Term**
The minimum loan period is 6 months and the maximum loan period is 8 years with a maximum grace period of 3 years as may be determined by the PFI. The minimum loan period for Grain trade facilities is 6 months and the maximum is 2 years and without a grace period.

iii. **Interest Rate**
The interest rate charged by the PFI to the final borrower is capped at 12 % per annum. However, the interest rate for the Grain facility is up to a maximum of 15% per annum.

iv. **Facility Fees**
Facility fees charged to the client under the ACF should not exceed 0.5% of the total loan amount. However, the borrower is responsible for paying the costs of legal documentation and registration as well as insurance.

**8. How can one access the fund?**

Eligible borrowers can access loans only through PFIs, which include all the Commercial Banks, Licensed Credit Institutions and Microfinance Deposit-taking Institutions and Uganda Development Bank Limited. The PFIs are responsible for assessing potential borrowers in line with the Fund's guidelines and their internal credit policies and thereafter disburse the funds.

**9. Can one borrow more than once under the ACF?**

Yes.

**10. Does one require collateral to access a loan under this Fund?**

**Yes.** Borrowers are expected to provide collateral/ security for the loans as will be determined by the PFI. However, for loan amounts not exceeding UGX 20 million, alternative forms of collateral may be considered by the PFI under the Block Allocation arrangement.

**11. What is the role of Bank of Uganda in the ACF?**

Bank of Uganda is the Fund Administrator and is responsible for managing the Fund on behalf of Government of Uganda. BoU is also responsible for processing refinance claims from the PFIs and sensitizing the public about the availability of financing under the ACF.

# BANK OF UGANDA

Plot 37/43 Kampala Road, P.O. Box 7120 Kampala, Cable Address: UGABANK, Telex: 61069/61244, General Lines: 0312-392000, 0414 258441/6, 258061/6 or 0417-302000 Fax: (+256-414) 233818, Website: www.bou.or.ug
E-mail: info@bou.or.ug Twitter: @BOU_Official Facebook: Bank of Uganda Toll-free line: 0800144044

## Q & A ON SMALL BUSINESS RECOVERY FUND (SBRF)

**1. What is the Small Business Recovery Fund?**

The Small Business Recovery Fund (SBRF) is a fund set up by Government of Uganda (GoU) in partnership with Commercial Banks, Micro Deposit-Taking Institutions (MDIs) and Credit Institutions regulated by Bank of Uganda (collectively known as Participating Financial Institutions (PFIs)) to provide loans to small businesses that were adversely affected by the COVID-19 pandemic and suffered financial distress with potential for recovery if provided with financial support.

**2. What is the objective of the Fund?**

To provide affordable credit facilities to small businesses that suffered financial distress arising from the effects of the COVID -19-Pandemic.

**3. Who is providing the financing under the SBRF?**

The SBRF is a risk sharing Fund between Government of Uganda and PFIs regulated by Bank of Uganda. The Government of Uganda contributes 50% and the PFIs also contribute 50% to the Fund.

**4. Who is eligible to borrow under this Fund?**

Small businesses operated by individuals, groups, partnerships and companies, employing between **2-49** people and with annual turnover of **UGX 10 million** to **UGX 300 million** are eligible to borrow under this fund. The businesses should be able to demonstrate capacity for recovery. However, agri-businesses or agricultural activities that are eligible under the Agricultural Credit Facility (ACF) and those that have already been financed under ACF are not eligible for funding under the Small Business Recovery Fund.

**5. How can one access the fund?**

Eligible borrowers can access loans only through PFIs, which include all the Commercial Banks, Licensed Credit Institutions and Microfinance Deposit-taking institutions regulated by the Bank of Uganda. The PFIs are responsible for assessing potential borrowers in line with the Fund's guidelines and their internal credit policies and thereafter disburse the loans.

**6. Can one borrow more than once under this Fund?**

**No.** A borrower can only access financing once under the SBRF and top-up loans are not permitted. This is to give an opportunity to other eligible borrowers to access financing.

**7. Can one utilize the SBRF to repay an existing loan?**

**Yes.** Part of the loan may be utilized for repayment of an existing loan.

**8. What is the borrowing interest rate on loans under the SBRF?**

The interest rate to be charged by the PFIs does not exceed 10% per annum and shall be on reducing balance.

**9. What is the repayment period for these loans?**

The minimum loan period is 6 months and the maximum is **4 years** with a maximum grace period of **1 year** depending on the nature of the project as may be determined by the respective PFI.

**10. Is there a maximum or minimum loan amount?**

The maximum loan amount to a single borrower is **UGX 200 million**, however there is no minimum loan amount.

**11. Does one require collateral to access a loan under this Fund?**

**Yes.** The borrower will be expected to provide collateral/ security for the loan and this will be determined by the PFI where the borrower will access the loan. However, for loan amounts of **UGX 20 million** and below, alternative forms of collateral may be considered by the PFI under the Block Allocation arrangement.

**12. How much is the loan processing fee?**

Loan processing fee does not exceed **0.5%** of the total loan amount and shall be a one-off charge. The borrower will be responsible for paying the costs of legal documentation and registration as well as insurance fees.

**13. What is the role of Bank of Uganda in the SBRF?**

Bank of Uganda is the Fund Administrator and is responsible for managing the Fund on behalf of Government of Uganda. BoU is also responsible for processing refinance claims from the PFIs and sensitizing the public about the availability of financing under the SBRF.

# SIMBA AUTOMOTIVES LTD

360 Degree Satisfaction




EABQA
VOTED BY PEOPLE FOR QUALITY & RELIABILITY

## EAST AFRICA BRAND QUALITY AWARDS

Quality excellence for the best motorcycle and spare parts in East Africa

The International Quality Awards
CQI | IRCA
Chartered Quality Institute
LEADING QUALITY SINCE 1919

IQNet
THE INTERNATIONAL CERTIFICATION NETWORK

**CALL TOLL FREE: 0800 333 666, +256 758 122 122**

URA
Uganda Revenue Authority
DEVELOPING UGANDA TOGETHER



Syova
Innovation • Value • Progress

# SYOVA SEED (U) LTD

EASEED GROUP COMPANIES

EASEED Africa's Best 50 | Syova | Agriscope An Integrated Solution Provider for Plant Protection




























Plot No. 2981 & 888, Bombo Road, Kawempe, P.O. Box 3678, Kampala, Uganda,
Tel: 0392 773321, 0704 223305, 0705 533296, 0704 223303 | Email. syavo.ug@easeed.com/sales.ug@easeed.com
BRANCH: Plot No. 1B, 3B and 5, Shop No. 103-106 Ben Kiwanuka Street, Kampala Uganda Container Village Mob: 0700 399409, 0783 669109, VAN SALES: Eastern: 0704 223308, Western: 0704 223309, Northern: 0700 223314, Mid-West: 0700 223321, URBAN: 0700 223322
Website: www.easeed.com

@Syovaseedultd @Syova Seed Uganda @Ug Syova Seed @Ug Syova @Syova Uganda @Syova Seed



bbs MediaLab
Audio & Visual Solutions
Events Management
Product promotions
Documentaries
Other Services:
Videography & Photography | Audio Productions
TV & Radio Commercials | Live Video Streaming & Broadcast
Weddings & Introduction Ceremonies | Graduations
Profiling | Corporate Branding
Located at Masengere Building
First Floor - Bulange Mmengo
www.bbstv.ug
Tel: +256 708 882 330
+256 701 762 078
+256 782 901 957



# Obulunzi Bw'enkoko;

## Lwaki abalunzi bakyalemereddwa okumatiza akatale?

Obulunzi bw'enkoko gwe gumu ku mirimu egiyingiza ensimbi ezeegasa ku mitendera gyonna omuli omutonotono n'omunene. Akatale k'enkoko kali waggulu era kasikiriza okuyingira omulimu guno ate nga n'obukwakkulizo obugutandika butono ddala.

Banna Uganda bawomerwa enkoko n'amagi ate byettanirwa olw'okutwala obudde obutono okufumba ssaako obuwoomi eri abalya ebittafuttafu nga "Chips and Chicken ne Rolex" ebitundibwa kumpi buli wanu naddala mu butale, ku mabbali g'enguudo n'ebifo ebisanyukirwamu.

Waliwo kampuni ezongedde amaanyi mu bulunzi bw'enkoko, omuli Uga Chick, YoKuku, SR Afro chicks, n'endala ga zitandikira ku kwaluza obukoko obuto, okulunda n'okutunda eziwedde okubaaga nezitundibwa ku katale nga buli kimu kiwedde, ogenda kufumba bufumbi. Waliwo n'enkola ng'omuntu akuba bukubi ssimu nebamutusaako enkoko ye, olusasula ng'ateeka mu ntamu kutokosa. Bino byonna bubonero obulaga okweyongera mu bwetaavu bw'enkoko.

Wadde guli gutyo, abalunzi bakyalemereddwa okumatiza akatale k'enkoko n'amagi, era waliwo ebibuuzo bingi ebirina okwebuuzibwa;

- Obulunzi bw'enkoko butandikira wa?

Obulunzi butandikira ku bwagazi n'okweteekateeka; ekika ky'obukoko bw'olina okulunda n'endabirira yaabwo.

- Bintu ki abalunzi b'enkoko byebatera okugayaalirira?

## Bibiino: Endabirira y'obukoko obw'olunaku olumu "day old chicks"

Okunoonyereza mu magezi ga tekinologiya kiyambye abalunzi okukendeeza okufiirizibwa mu mulimu guno. Kampuni ezaaluliza obukoko wano mu Uganda n'obuva ebweru buli lukya zongera okunoonyereza ku kika n'endabirira y'obukoko obuto esaanidde naddala okutunda obukoko obuwedde okugemebwa endwadde, ng'abalunzi bamativu olw'okukendeera kw'omuwendo gw'obukoko obufa nga bukyali buto. Kyokka gye bweyongera okukula ate abalunzi abamu bagayaala.



## Obukoko nga butuuse m Bbuluuda (Brooder)

Abalunzi abasinga tebategeka bifo omulundirwa enkoko era bamala gakubirira ebibaawo; ekireetera enkoko obutafuna bbugumu limala ku mitendera egyenjawulo. Abalunzi abamu balemererwa okugabirira enkoko amazzi agamala, ekizireetera okulya emmere enkalu ezikosa.

Enkoko ezimu teziweebwa birungo byetaagisa omuli Glucose ne Vitamin.

Enkoko zirina okuliira mu bintu ebiyonjo, n'obutamala gamansa mmere ya nkoko wansi ku ttaka.

By'olina okugoberera ng'olunda enkoko

- Kkampuni gy'ogula obukoko
- Entegeka y'okugemebwa endwadde
- Ekifo w'olundira; waliwo ebbugumu ery'ekigero
- Endiisa y'obukoko obutannakakata



- Okuziwa amazzi agamala
- Okuziwa emmere emala ku buli mutendera
- Ebiriirwamu n'okunya ebiyonjo
- Obutazifuutiika nnyo n'ebirala


Find us at the
CBS TRADE
FAIR 2024
Plot 5, Coronation Road,
PerryMan Gardens
www.conversionfeeds.com
Conversion
Feeds Ltd.
INTRACO
ANIMAL CONCENTRATES FOR
POULTRY PIGS DAIRY
INTRACO
INTRACO
Fokkamel
Extra
4-9TH SEPT 2024
Buddu Ssaza Grounds
Masaka City
FOR INQUIRIES
+256 782 208 208
+256 707 792 064







# CBS PEWOSA Nsindika Njake **etandise kawefube w'okukubiriza abantu okunywa kaawa**

Okulima emmwanyi nate kufuuse nsonga mu Buganda ne Uganda yonna okutwalira awamu nga kiddiridde Katikkiro wa Buganda Owekitiibwa. Charles Peter Mayiga okubeera emunyenye emulisiza abantu okulaba ekitangaala n'emiganyulo ejiri mu kulima emmwanyi okuyita mu nteekateeka ye "Emmwanyi terimba".

Mu masaza ga Buganda ekkumi n'omunaana, wonna emmwanyi etinta, abantu balimye mu bunji n'okufuba ku mutindo nga





bagoberera okulu�amizibwa kwa Katikkiro.

Ekirime ky'emmwanyi kiyimirizzawo amaka agawera okwetoloola Buganda ne Uganda yonna. Ekitongole ky'eggwanga ekivunaanyizibwa ku mmwanyi ki Uganda Coffee Development Authority (UCDA) nakyo kyongedde amaanyi mu kusitula omutindo okutuukana n'akatale k'ensi yonna. Emmwanyi eri ku mwanjo mw'ebyo ebisinga okuyingiza ensimbi mu ggwanga. Okusoomoozebwa kuva mu bbeeyi y'emmwanyi ekyukakyuka buli kadde ku katale k'ensi yonna.

Embeera y'okwesigama ku katale k'ebweru ekosa abalimi ababaza emmwanyi mu bungi oluusi bakosebwa ebbeyi ekibamalamu essuubi.

Wano CBS wetadde omulaka okukubiriza bannansi okwenywra kaawakaawaavamummwanyiyaffe ennansi olw'emiganyulo egirimu. CBS nate ekola okunoonyereza ku nkola endala bannansi mwe basobola okwongera omutindo ku mmwanyi bafunemu ekiwera, nga tebaliinze katale k'ebweru kokka.

## EMIKISA EJIRI MU KULIMA EMMWANYI

### Ebbeeyi

Wadde ng'ebbeeyi y'emmwanyi etera okukyukakyuka, akatale ka kaawa tekaggwawo, anti kaawa kye ky'okunywa ekisinga okwettanirwa mu nsi yonna.

## Okunoonyereza okukolebwa ku mmwaanyi

Ebitongole ebiwerako bizze bikola okunoonyereza ku mmwanyi za Uganda okuyita mu ministry y'eby'obulimi (MAAIF) okuli ekya National Agricultural Research Organisation (NARO), National Coffee Research Institute (NaCORI), National Crop Resources Research Institute (NaCRRI). Ebitongole bino biwa amagezi agesigamizibwa ku kunoonyereza ku mutindo.

## Ebikoleddwa CBS PEWOSA NSINDIKA NJAKE

CBS RADIO ng'eyita mu bibiina bya CBS PEWOSA ekubirizza abantu okulima emmwanyi mu nteekateeka y'Obwakabaka eya Mmwanyi Terimba. Abantu banyiikidde okulima emmwanyi ekireetawo essuubi nti mu bbanga ttono erijja, amakungula g'emmwanyi gagenda kubeera ga muzinzi naddala mu Masaka n'ebitundu ebirala, ekiwa essuubi nti eggwanga lyakwongera okuyingiza ensimbi okuva mu mmwanyi.

Abalimi b'emmwanyi ebitundu 85% abali mu Greater Masaka bali mu bibiina bya CBS PEWOSA. Ekitongole kya CBS PEWOSA NSINDIKA NJAKE kitadde amaanyi mu kusomesa abalimi abali mu bibiina bya CBS PEWOSA okukuuma omutindo, okusiika



kaawa n'okumusabika obulungi mu nkola etuukana n'akatale k'ensi yonna, okusikiriza n'okumwagazisa bannauganda okutumbula akatale komunda mu Uganda.

## KAWEFUBE OKUNYWA KAAWA-ffenna tunywe.

Okunoonyereza kulaga bannansi ebitundu 25% bokka abettanira okunywa kaawa. Kino kitegeeza nti emmwanyi ezirimibwa mu Uganda nnyinji ddala bw'ogerageranya ne



kaawa anywebwa bannansi.

Mu mwoleso gwa CBS PEWOSA ogwa buli mwaka, tutekawo ebifo awokunywera kaawa omuwomu mu kaweefube eyatuumwa ***"Tunywe kaawa kawomera ava mu mmwanyi yaffe".*** Entegeka eno esimbye mu kisinde kya mmwanyi terimba, ey'okugaziya akatale k'emmwanyi ezirimibwa mu Buganda ne Uganda yonna awamu.

## OKWONGERA OMUTINDO KU MMWANYI

- Banna bibiina bya CBS PEWOSA basomesebwa okwongera omutindo ku mmwanyi, nga bafuna ebyuma ebisunsula n'okusa kaawa kawomera ayitibwa PEWOSA COFFEE.

## EBIRI MU MWOLESO GWA CBS PEWOSA NSINDIKANJAKE E MASAKA

- Omwoleso guno essira liri ku bulimi naddala obulimi bw'emmwanyi.
- Abalimi ab'enjawulo boolesezza ebikoleddwa mu bulimi bw'emmwanyi, era amagezi ago bagabanako ne bannaabwe mu mwoleso.
- Ebitongole omuli UCDA ebiyambako okusomesa abalimi okusitula omutindo gw'emmwanyi n'okufunamu ensimbi okuyita mu mutindo
- Abategeka endokwa z'emmwanyi ez'omutindo omulungi
- Mulimu n'ekifo ekyenjawulo ekyateekeddwawo okunyweramu kaawa.

## OKUKULAKULANYA ABANTU

Mu mwoleso gwa CBS PEWOSA ogukulungula wiiki ennamba mubeeramu emisomo egy'ekikugu okubangula abantu okulima emmwanyi, okufunamu ensimbi okulmalawo obwavu n'enjala saako okulunda enjuki mu misiri gyabwe okwongera ku makungula.



## OKULUNDA ENJUKI

Emmwanyi nga zimulisa zibeera n'ekimuli ekyeru obulungi ekisikiriza enjuki n'ebiwuka ebirala okukigwako nebikiyamba okuwa obujimu n'omutindo omulungi.

Enjuki zino ziyambako okukendeeza ku bunji bw'eddagala lyewandiguze okufuuyira emmwanyi ng'emulisizza, olwo enjuki nezikuyambako mu ngeri y'obutonde.

Kyokka emizinga gy'enjuki ssinga obeera ogitegese bulungi mu musiri obeera osobola okufunamu omubisi gw'enjuki nagwo n'ogutunda n'ofunamu ensimbi,ate nga bwezikuyamba ne ku mmwanyi.


FOOD UMBRELLA
PEWOSA
COFFEE
Azzaamu amaanyi
Asangibwa wano
-Akoleddwa mu mmwaanyi
yaffe ennansi
-Alimu eddekende
PEWOSA COFFEE
KAAWA KAWOMERA
PEWOSA.
Akolebwa;
Food Umbrella ne CBS Pewosa-
Nsindika Njake
Wenywere...
Kaawa Kawomera
Essimu:0773-829770/0708-562006


KF AGRI TOOL
SUPPLIES LTD


ENJOY
UGANDA
COFFEE
0800 35 35 30


AIRTEL MONEY




UCDA




SACCO
CBS PEWOSA
AGRI-BUSINESS FAIR
PARTNERS
BANK OF UGANDA
airtel
IRA
Insurance Regulatory Authority of Uganda
NARO


0772 066646
UREA







## CBS PEWOSA Agribusiness Magazine - **SPONSORS**

BANK OF UGANDA

cbs 88.8, 89.2 FM

MAAIF Ministry of Agriculture Animal Industry and Fisheries

osho ...We grow with you!

CBS PEWOSA NSINDIKA NJAKE BUSINESS & FINANCIAL INITIATIVES

iRA uganda Insurance Regulatory Authority of Uganda Driving insurance growth

UTRAX AGENCY LTD

UNFFE

UIA Uganda Insurers Association Promoting Insurance. Protecting Your Future

Syova Innovation • Value • Progress

cbs

88.8. 89.2 CBS FM

CENTRAL BROADCASTING SERVICE LIMITED

# PEOPLES' RADIO



- Reliable News
- Sports
- Features
- Documentaries
- talk shows
- Public Engagements

**FM(Frequency Modulation)**
**88.8(89.9 Greater Masaka)**

**89.2(87.7 Greater Masaka)**

## CENTRAL BROADCASTING SERVICE LIMITED

CBS FM @cbsfm_ug CBS FM @cbsfmug